*amanyi agataligamu agakozesebwa ku nnimiro, n'okuwa amagezi agekikugu agasanidde.*

**Forestry Resources Research Institute (FORRI) (Kampala District)**

*Okulabirira ebibira,ebitonde n'ebisimbe, okukuma obutonde bwensi, okulima ebirime ngotabulamu emiti egy'omugaso, ebiva mubibira, ensigo z'emiti awamu n'eby'okwesanyusamu.*

## Amagezi agekikugu agazuulibwa okulwanyisa ebiwuka n'endwadde z'ebirime

### NAARI:-NAMULONGE

1. Ebika kkumi nabibiri ebya muwogo owembala, omulongoseemu, ebigumira endwadde byafulumizibwa
2. Ebika mukaaga ebyalumonde omuganda owembala, omulongoseemu, ebigumira endwadde byafulumizibwa
3. Ebika kkumi nabibiri eby'ebijanjalo eby'embala ebirongoseemu, ebigumira endwadde byafulumizibwa
4. Ebika munaana ebya kasooli owembala, omulongoseemu, ebigumira endwadde byafulumizibwa
5. Ebika bisatu ebya soyabiini owembala, omulongoseemu, ebigumira endwadde byafulumizibwa
6. Amagezi agokulwanyisa ebiwuka n'endwadde enkulu ezikwata ebirime ebibakwatako gayiyizibwa
7. Enkola ez'ekikugu endala zikyayiyizibwa

### CORI:-KITUUZA

1. Ebika by'emmwanyi za kolono ebipya byazulibwa
2. Amagezi ag'okulwanyisa ebiwuka n'endwadde enkulu ezikwata ebirime ebikulu gayiyizibwa
3. Enkola ez'ekikugu endala ziyiyizibwa

### SAARI:-SERERE

1. Ebika by'obulo bina byakolebwa
2. Ebika by'omuwemba bibiri byakolebwa
3. Ebika by'ebinyeebwa bisatu byakolebwa
4. Ekika ky'entuungo kimu kyakolebwa
5. Ebika by'empindi bibiri byakolebwa
6. Ekika kya ppamba kimu kyakolebwa
7. Amagezi agokulwanyisa ebiwuka n'edwadde enkulu ezikwata ebirime bye balinako obuvunanyizibwa gawebwa

### KARI:-KAWANDA

1. Ebika by'ebitooke bitaano byakolebwa
2. Okuwa magezi agokulwanyisa ebiwuka n'endwadde z'ebirime
3. Endabirira n'entereka y'ebikungule eyekikugu
4. Endabirira y'ettaka eyekikungu okusobozesa ennima ey'obuwangazi
5. Ebika bya ovakado munana byakakasibwa
6. Ebika by'emiyembe mukaaga byakakasibwa
7. Ebika by'ennimu bitaano byakakasibwa
8. Ebika by'amapapaali bibiri byakakasibwa
9. Ebika by'enyanya bisatu byakakasibwa

### FORRI:-NAKAWA

1. Ebika by'emiti egisimbibwa ku nsalonsalo z'enimiro gifuniddwa.
2. Emiti egiribwa ebisolo gifunika.
3. Okuwummuza ettaka mungeri ennongoseemu kwazulibwa
4. Okulima ngawetolola kubusozi okuziyiza mukoka (Contour farming) kwazulibwa
5. Engeri ey'omulembe gyogattamu emiti egyomugaso n'emmere mu nnimiro yemu yazulibwa
6. Amagezi ag'okulwanyisa ebiwuka n'endwadde enkulu ezikwata ebirime ebikulu gazulibwa

### AEATRI:-NAMALERE

Enkola ezekikugu ezenjawulo ezetagisa mubyebalinako obuvunanyizibwa zakolebwa.

# Omulimu gw'amatendekero aganonyereza n'okusomesa eby'obulimi, mu kulwanyisa ebiwuka n'endwadde z'ebirime



NARO

IDRC International Development Research Centre

CRDI Centre de recherches pour le développement international

CAB INTERNATIONAL

# Ennyanjula:-

Ebiwuuka n'endwadde biremya okulima ebirime bingi. Bissa omutindo gw'ebirime, bikendeeza ebikungulwa, bireeta enjala, ebikendeeza n'enfuna.



N'olwekyo waliwo amatendekero agasomesa abakwatibwako eby'obulimi bonna ebyo ebireeta,kw'olabira namagezi goyinza okulwanyisamu ekizibu ky'ebiwuka n'endwadde z'ebirime.

Era, ngabakolaganira wamu ne bebikwatako bonna, aba matendekero aganonyereza mu by'obulimu, balina obuvunanyiziba okuyiiya engeri y'okulwanyisaamu ebuwuka n'endwadde z'ebirime.

# Amatendekero:-

Makerere ne Uganda Martyrs University zirina emisomo gya diiguli mu byobulimi nga ekyokukola ku biwuka n'endwadde z'ebirime ly'erimu ku masomo amakulu. Amasomero g'ebyobulimi amalala nga Bukalasa ne Arapai gasomesa dipuloma mu kintu kyekimu. Amatendekero gano galina n'entegeka ezisomeseza abantu ku nimiro zabwe. Okwengereza kwekyo, Ebitongole Ebinonyereza N'okukulakulanya Eby'obulimi (ARDCs) nga mwemuli Mukono (Mukono), Abii (Arua), Bulindi (Hoima), Bulengeni (Mbale), Kachwekano (Kabale), Ngetta (Lira), Serere (Soroti), Kyembogo (Kyenjojo), Nabuin (Moroto), Ikulwe (Mayuge), Mbarara (Mbarara) ne Kitgum (Kitgum), byatekebwa mu bitundu ebifananya ennima okutendeka bekikwatako nokusembereza abalimi tekinologiya ow'omulembe. Agaali amasomero g'ebyobulimi ku district amalala (DFI's) kati gakuzibwa negafulibwa Ebitongole Ebitumbula Eby'obulimi (ADC's) nga bikola omulimu gwe gumu nga ARDCs.

Amasomero ga primary ne secondary galina ebitongole by'obulimi ebisomesa endabirira ye ndwadde n'ebiwuka byebirime essokerwako.

### Amatendekero aganonyereza ku by'obulimi:-

Nga gakolera wamu ne bekikwatako bonna, galina obuvunanyizibwa okukola binno:-

- Okutegeera obulungi ebyetaago by'abalimi mukulwanyisa ebiwuka n'endwadde
- Okukola entegeka ez'ekikugu okuvunuka ebizibu ebyo
- Okufulumya tekinologiya omupya abantu basobole okumukozesa
- Okutendeka n'okumanyisa abantu ebireta, kwotegerera n'engeri gyojjanjabamu obulwadde n'okulwanyisa ebiwuka



- Okuyiiya enkola essanidde ey'ekikugu eyendabirira y'endwadde n'ebiwuka by'ebirime.
- Okugezesa tekinologiya azuliddwa mu bitundu eby'enjawulo.





### Amatendekero aganonyereza mu by'obulimi ne byeganonyerezako:-

**Namulonge Agriculture and Animal Production Research Institute (NAARI) (Wakiso District)**

*Muwogo, ebijanjalo, soyabini, lumonde omuganda, kasooli, okukozesa ebiwuka okutta ebiwuka by'ebirime, Agro meteorology: ekitongole ekikola ku kuteberezza obudde eri abalimi n'endabirira awamu n'enimisa y'ebisolo.*

**Serere Agriculture and Animal Production Research Institute (SAARI) (Soroti District)**

*Sunflower,obulo,omuwemba,empindi,kawo, ebinyebwa,endabirira y'ebisolo,n'okulimisa ebisolo*

**Kawanda Agricultural Research Institute (KARI) (Wakiso District)**

*Ebitooke, emicungwa, obutunda, emiyembe, ovacado, eby'enva, endabirira y'ettaka, enkungula n'entereka y'ebirime awamu ne tekinologiya amezessa ebirime awatali kukozesa nsigo mu bwangu.*

**Coffee Research Institute (CORI) (Mukono)**

*Emmwanyi, Ebinazi, Amajani ne Cocoa*

**Agricultural Engineering and Appropriate Technology Research Institute (AETRI) (Wakiso District)**

*Okulimisa ebyuma, okulongoosa ebirime n'okubitereka, ebikwata ku ttaka n'amazzi,*